## OMWANA OW'EMYAKA 3 N'OMUWERE BABBIDDWA

POLIISI e Mityana, ekyagenda mu maaso n'okuyigga abaana abawere babiri, ababbiddwa okuva ku bannyaabwe. Omwana asooka ow'ennaku ebbiri nga tannatuumwa na linnya, yabbiddwa okuva ku nnyina Edith Ndiyomufaasa ow'oku kyalo Serunyonyi mu Ggombolola y'e Kalangaalo e Mityana. Nnyina w'omwana ono, yabadde asiibuddwa okuva mu ddwaaliro ekkulu e Mityana nti era aba ateekateeka okufuluma, omukazi eyeefudde omuzirakisa yamumusituliddeko n'abulawo naye. Omwana owookubiri, yabbiddwa ku lunaku lwe lumu ku kyalo Kitinkokola mu Ttamu e Mityana, omukyala Sarah Nantume , bwe yalese abaana be babiri mu nnyumba n'agenda okukwata enseenene. Kitegeezeddwa nti yagenze okudda, ng'omwana omu Blessing Nassuuna ow'emyaka 3 bamutuutte ,nga wasigaddewo ow'emyaka omukaaga Prossy Nakacwa. Omwogezi wa poliisi mu Wamala, Lameck Kigozi, agambye nti, abaana bano bombi, tebannabazuula era n'asaba abamanyi amayitire gaabwe, okuyambako poliisi okubanoonya.